


P360/3

LUGANDA

Paper 3

July/August 2022

3 hours



KAMSSA JOINT MOCK EXAMINATIONS
Uganda Advanced Certificate of Education
LUGANDA
(Litulica Mu Luganda)

Olupapula Olwokusatu
Essaawa Ssatu (3)

EBIGOBERERWA:

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu; A,B ne C.*
- *Ddamu ebibuuozo bina*
- *Mu kitundu A kolamu ekibuuozo kimu*
- *Mu kitundu B ddamu ekibuuozo kya puloozi n'ekirala kimu okuva mu bitontome.*
- *Mu kitundu C,kolamu ekibuuozo kimu*

**EKITUNDU A
ENGERO ENJIYE**

**Kola ekibuuozo kimu kyokka mu kitundu kino
SSEMWANGA KIVUMBI BANTUBALAMU;Gw'olulambuza**

1. Omuntu yenna ayagala okumanya ensi mwe tuwangaalira asoma lugero gw'olulambuza.kakasa kino n'ebyokulabirako eby'enjawulo. **(Obubonero 25)**
2. Ssemwanga atulaze atya okukaluba kwe mitima gy'abantu mu lugero lwe? **(Obubonero 25)**

NKATA MUSA :Agamyuka omutezi

3. Omuvubuka ow'omulembe Omutebi aganyulwa atya mu lugero lwa Nkata agamyuka omutezi? **(Obubonero 25)**
4. Ntanda ki Nkata gy'asbirira abafumbo nga ayita mu lugero lwe?**(Obubonero 25)**

**EKITUNDU B
PULOOZI**

Kola ekibuuozo nnamba 5 n'ekirala kimu okuva mu bitontome

5. Soma emboozi eino oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebigikwatako.
Mu kiseera kino kaweke yali yeetegeka okusitula.Kawaatwa,Mawangala ne paatiriisi baali bamusaba abatwaleko mu mmotoka ye gye yajjiramu,kyokka n'abazibiikiriza ng'amokkola agagambo agaabatyetyemusanga nnyindo yankolera.Waddanga ye yabalalako n'abagamba nti “Abange mugire mugende nze njagala kweggala.Ye kati olwo Kaweke olidda ddi eno okutumanyisa Tomu lw'alisula mu Mabira?Bannange nno,mmwe lwa kugayaalirira,naye Tomu bwe tutaamwanguire kumweggyako,ajja kutuzaalira ebyeru makaayi by'azaalira ku nsiko!”

Kaweke yaddamu nti “Nzija kufuba nga bwe nsobola nkemewo eno enkyo oba luli .anti ekinkola obubi ze mmotoka z'eno ez'endeega bwenyi .Singa si mmotoka kuba za kkekwa ,sandibadde na kya ggaali”Nalaba nti abasajja bano baali batuuse ku jegoyego y'okuteesa kwabwe ,era nga ekisigadde kwe kwabuka.Bwe nt yo nange ne njagala nze mba nsooka okwelianula.Bwe nakwata ku mugongo ndabe oba nga ddala ebyange byonna ndi nabyo ne nkwata ku kyuma ekikuba ebifaananyi.Wano natandika okwebuuza muli mu mwoyo nti “Ate oba kino naleese kya ki?”Okwandibadde okweddamu mu kibuuzo kyange najjukira bujjukizi nti nsaanye okukuba abasajja bano ekifaananyi nga tebannaabuka.Olwo nno ne bwe nnandyesimbye mu kaguli okubalumiriza nti ku lunaku gundi mwayogera kino na kiri,ekifaananyi kyandinnyambye okuggumiza amazima gange.

Nateekateeka bwe nti:Nayagala nkube abasajja ebifaananyi bibiri.ekisooka nayagala nkikube nga tebategedde,kwe kugamba nti nga buli omu ali ku bibye.Kale bwe bandiwulidde nga akapeesa kapasuka be tta-tta,tebandiremye kumaguka kulaba ekibaddewo,ate n'olwokuba ekyuma kye nalina kyaliko ettaala emyansa nga eggulu,nayo yandiyambye okubakanga.Bonna nga bamaze okwekanga n'okumaguka,tebandiremye kunjoleka maaso gaabwe.Awo nno we nnandikubidde ekyokubiri.Mba nkyateekateeka ebyo mu mwoyo,Waddanga kwe kusaba kaweke amubuulire essaawa.Kaweke yaddira ttooci gye

yalina n'amulisa ku mulenganjuba gwe yali asibye mu kiseke kya kkono.Wano bonna baakutama beerabireko n'agaabwe,okusinga lwe bandibabuulidde obubuulizi

Kino nalaba nga kye kiseera ekirungi okukubirako ekifaananyi kyange ekisooka,bwe ntyo ne nasula akapeesa n'ettaala n'emyansa.Eky'ennaku,olw'okuba nti abasajja bano baali bajogoolikana,tebaasobola kuwulira kuvuga kwa kapeesa.Ate kubanga ettaala ey'omukono eyali mu ddiiro yali yeememula nnyo okumyansa kw'ettaala ey'oko kkamera yange tebaasobola kukulaba.Mu kiseera ekyo omutwe gwantabuka kubanga bwe nali njagala bakole si bwe baakola.Kale olwo kiki kye nali nsaana okukola?Nalindirirako nga ηηamaba nti osanga banabbulula amaso gaabwe nga busa.Baalwirawo ddala nga bakotese emitwe okutunuulira omulenganjuba gwa Kaweke.Oba baali batunuulira mukono gwa Kaweke ogw'entugga anti si kya bulijjo omusaja okuba n'omukono ogw'entugga,so ng'ate omubiri gwe gwonna gulinga ntiitiri.

Nakanda kulinda basajja bwe bateerema.Ate bwe babbulula amaso buli omu yatunula wawe.ko nze nti naalaba basituka kugenda bugenzi!Kye nava nkolola mu ngeri y'okubabagulizaako.bwe baawulira akolola ne beekanga nnyo kubanga baali bamanyi nti mukyala waddanga ne Kaabudindiri beebase ate nga babawulira bafuluuta.Kye baava bamaguka balabe omukambwe nnamige oyo akololera mu nju yaabwe nga tebamuwadde lukusa.Nalaba baganjolese ne ηηamba mu mwoyo gwange nti "Ayi Ddungu oyigganga otta"Akapeesa ne nnasula n'ettaala n'emyansa,ate olwo ng'ekifaananyi tekiwedde?

Ebibuuzo:

- a) Emboozi gy'osomye giwe omutwe. **(Obubonero 02)**
 - b) Ani anyumya emboozi eyo? **(Obubonero 02)**
 - c) Bukodyo ki omunyumya bwe yeeyambisizza okunyumisa emboozi ye? **(Obubonero 06)**
 - d) Emboozi ekussa mu mbeera ki **(Obubonero 06)**
 - e) Nnyonnyola ku lulimi olweyambisiddwa mu mboozi eyo **(Obubonero 04)**
 - f) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu mboozi **(Obubonero 05)**
- Ekye ggaali
 - Okwabuka
 - Akaguli
 - Omulenganjuba
 - Ekiseke

EBITONTOME

Ddamu ekibuuzo kimu kyokka nga okiggya mu nnamba 6,7,8 oba 9

KIZZA MUKASA J:OMULYAMMERE KKOYI

6. Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaaky.

OMUBBEERE

Omwana wa nnyabo omubbeere ggwe,
Ggwe toil wa ssabo oyo lwa bubbeere,
Ggwe omubbeere,ηηamba omubbeere,
Laba laba laba bino,ggwe omubbeere.

Twakula bumu ffe abaana ba nnyabo,
Nga tewali atondowala tuli bukuyegé,
Bwe nayitamuuko nze wanneyunira,
Nakujunanga mu bingi bye siiyogere,
Nga tuli bumu ffenna abaana ba nnyabo

Kye nnalaba luno jjuuzi saakisubira,
Kyali kya nsongi nnyingi sikutendera,
Wayagala okusiimibwa n'otukijjanya,
Wayagala okuganzibwa n'otusombera,
Ng'olya mu lusuku lulime luno luzise,

Weetemata bingi ku booluganda,
Nti ogamba gundi nno taabe mukopi?
Ankola biibino baaba ne neewunika,
Olulala yansoya bino ne nneemagaza,
Ssaamanya nti ffenna tutyo oli na mpiri.

Naye mubbeere nze,bino kambyase:
Nnakupiika ensimbi,lwa bbeere eryo,
Wafuukamu omuntu,lwa bbeere eryo,
Wakolanga ogwejo,lwa bbeere eryo,
Nakubiita nnyo nze,kuyonka ku limu.
Bye nakukoleranga,wansasula bulwa?
Ggwe omubbeere!

Kyankola bubi ebbeere okutugendako!
Nandigenze ewa nnyabo n'obituulamu,
N'akugolola ettumba ly'Abalyammere,
Naye yatugendako nnyabo nze nsula bubi,
Ka nfube nkole ebingi nga wezza ebimu!

Ebibuuzo :

- | | | |
|------|--|----------------|
| I. | Omutontomi akozesezza bukodyo ki mu kitontome kye okukifuala ekinyuvu? | (obubonero 06) |
| II. | Omutontomi ali mu mbeera ki? | (Obubonero 05) |
| III. | Lwaki omutontomi yeekokkola gw'atontomako? | (Obubonero 06) |
| IV. | Omutontomi azimbye atya amaloboozi mu kitontome kye? | (Obubonero 06) |
| V. | Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitontome | (Obubonero 02) |
- Omubbeere
 - Okugolola ettumba
7. ssomo ki kizza Mukasa ly'awadde omusomi w'e bitontome by'omulyammere kkoyi?
- (Obubonero 25)

HUGO BARROW SSEMATIMBA:Abooluganda ab'enda emu

8. Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yakkyo.

OMULEEBESI 1983

Akeera nnyo n'asitama
Mu kalyango mw'abeera
N'ayayuuya n'akamala
Era talina kye yekolera
Wabula okuleebeeta
Ng'asuubira obukunkumuka
Ng'embwa wansi w'emmeeza!

Bw'alaba oyo eyeekozesa
Eyaziggya mu ntuyyo
Olwo nno yekonga
N'akuba pulaani eneemunyaga
Era ayanguwa mangu nnyo
N'amuyozaayoza emirimu.

Ne yeesesaasesa obuseko
Obw'obukuusa obw'embaliga
Mbu omukwano gwanguweko
Alabe ky'amukwakkulako

Bw'afuna ow'emmundu
Olwo ne yekola ekigenyi
N'amuwaana n'akamala
Era y'amutwala mu bbaala
N'amuwagira anywe bunywi
N'omwenge gw'ataguze
N'amuserengesa ebyalo
Era y'amusangula entuuyo
Kumpi kumusangula minyira!

Y'amulaga ow'ensimbi
N'oyo bwe baayombye
Mbu be bayekera fuluku!
Ensi yonna n'edaaga
Nga bakola ebya mbyone
N'okuleetawo vvulugu.

Naye ggwe ssebo omuleebesi
Biki ebyo by'oganyulwa
Mu muvuyo gw'oleeta
Obwa Yuda bw'okola bwaki
Yadde ensimbi ziwoomerera
Ze zikusingira ensi yo
N'abooluganda ab'endayo?!!!!

Ebibuuzo:

- I. Nnyonnyola ku bifudde ky'osomye ekitontome? **(obubonero 6)**
II. Obukugu bw'omutontomi bweylese butya? **(obubonero 8)**
III. Omutontomi aggyeyeo atya omulamwa gw'ayogerako? **(obubonero 5)**
IV. Londayo ennyiriri bbiri ezooleka engeri omuntu ayogerwako gye yeegonzaamu. **(obubonero 2)**
- V. Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwebikozeseddwa mu kitontome kino **(obubonero 04)**
- Fuluku
 - Mbyone
 - Vvulugu
 - Obwa Yuda
9. Bantu ki Ssematimba b'ayagala baganyulwe mu bitontome bya abooluganda abe nda emu? **(Obubonero 25)**

EKITUNDU C EMIZANNYO

Ddamu ekibuuzo kimu ng'okiggya mu nnamaba 10,11,12 oba 13

MERCY MIREMBE NTANGARE :Ssemitego omuyizzi kkungwa

10. Omululu gw'ebyenfuna y'ensibuko y'ebizibu ebituuka ku ssaalongo SSemitego.Kubaganya ebirowoozo.
(Obubonero 25)
11. Lwaki omuntu yenna teyandisaanye kusubwa kulaba obakusoma muzannyo ssemitego omuyizi kkungwa? **(Obubonero 25)**

WAALABYEKI MAGOBA :Namulanda

12. Magoba atwolese atya ensi mwe tuwangaalira ng'ayita mu muzannyo Namulanda? **(Obubonero 25)**
13. Bubaka ki Magoba bw'atisse abantu bano mu muzannyo Namulanda?
- I. Makamba Ssebuliba **(Obubonero 13)**
 - II. Kaddulubaale **(Obubonero 12)**

BIKOMYE WANO